**KYAMBOGO UNIVERSITY**

P. O. BOX 1 KYAMBOGO
Tel: 041 – 286238/285001, Fax: 041 – 220464
E-mail: vckyu@kyambogo.ac.ug/www.kyambogo.ac.ug
*Office of the Vice Chancellor*

27 June 2005

KYAMBOGO UNIVERSITY
BARCLAYS LIBRARY
RARE BOOKS SECTION

Mr. Ernest K. K. Sempebwa
c/o Ddiiro Office
Office y'Owekitiibwa Katikkiro
Bulange, Mengo

Dear Mr. Sempebwa

**OMUWAFU TREE ON KYAMBOGO UNIVERSITY CAMPUS**

I acknowledge, with great thanks, receipt of your letter of 27 June 2005 together with your researched account of the "Omuwafu Tree on Kyambogo University Campus". Kyambogo University values this information.

I have passed on the document to the University Secretary who is responsible for assets of the University for safe custody and a copy is sent to the University Librarian for the library.

Yours sincerely

Prof. A. J. Lutalo-Bosa
**VICE CHANCELLOR**

c.c. University Secretary
University Librarian
Prof. D. Kiyaga-Mulindwa

# OBWAKABAKA BWA BUGANDA
## OFFICE Y'OWEEK. KATIKKIRO EY'EDDIRO
### BULANGE, MENGO

June 27, 2005

Prof A.J. Lutalo-Bosa
Vice Chancellor
Kyambogo University
Kampala

Dear Prof. Lutalo-Bosa,

RE: **OMUWAFU TREE ON THE CAMPUS**

Greetings.

You may recall that when we last met, during our conversation about this and that, we touched on the subject of OMUWAFU TREE ON THE KYAMBOGO UNIVERSITY CAMPUS. Since the correspondence we exchanged between yourself and me in September, 2003, it appears that the ball stopped in my court. The reason is not far to find. Your stroke had been a winner.

With your assistance, I was able to write a simple narrative about the Omuwafu Tree on your Campus, which I presented to my Minister of Finance, Oweek. J.B. Walusimbi in the Kabaka's Government. The Minister thanked me verbally. And that was that.

What I am enclosing with this note should be of interest to you, more especially for your records.

With every good wish for 2005.

Yours sincerely,

Ernest K.K. Sempebwa
**DDIIRO OFFICE**

encls.

# OBWAKABAKA BWA BUGANDA
## OFFICE YA KATIKKIRO EY'EDDIIRO
## BULANGE, MMENGO

October 15, 2003

Oweek. Omuwanika
Engineer J.B. Walusimbi

Ssebo,

**OMUWAFU GW'EBANDA**

Nsaba okukomyawo obubaka bwe wantuma obukwata ku Muwafu gw'e Banda.

Ku bbaluwa eno mpeererezzaako ebifaananyi bino:

1. Olukiiko lwa Kabaka Muteesa I ng'ayaniriza Abazungu ababiri Speke ne Grant.

2. Ekifaananyi ky'Omuwafu ogwogerwako oguli e Banda.

Nkuweerezza ne kope y'ebbaluwa Vice Chancellor wa Kyambogo University gye yawandiika.

Nze Ssebo akussaamu ekitiibwa,

**(Ernest K. K. Sempebwa)**
DDIIRO OFFICE

# OBWAKABAKA BWA BUGANDA
## OFFICE YA KATIKKIRO EY'EDDIIRO
## BULANGE, MMENGO

October 15, 2003

Oweek. Omuwanika
Engineer J.B. Walusimbi

Ssebo,

**<u>OMUWAFU GW'EBANDA</u>**

Nsaba okukomyawo obubaka bwe wantuma obukwata ku Muwafu gw'e Banda.

Ku bbaluwa eno mpeererezzaako ebifaananyi bino:

1. Olukiiko lwa Kabaka Muteesa I ng'ayaniriza Abazungu ababiri Speke ne Grant.

2. Ekifaananyi ky'Omuwafu ogwogerwako oguli e Banda.

Nkuweerezza ne kope y'ebbaluwa Vice Chancellor wa Kyambogo University gye yawandiika.

Nze Ssebo akussaamu ekitiibwa,

**(Ernest K. K. Sempebwa)**
DDIIRO OFFICE

# OBWAKABAKA BWA BUGANDA
## OFFICE Y'OWEEK. KATIKKIRO EY'EDDIIRO
## BULANGE

September 25, 2003

The Vice Chancellor
Kyambogo University
KAMPALA

Dear Sir,

RE: **OMUWAFU TREE ON THE CAMPUS**

Word has been floating around in the Kabaka's Government that the ancient Muwafu tree which is in the University compound and has been there for well-nigh 150 years, is being threatened with removal to improve the appearance of the University Campus.

Oweek. the Treasurer of Buganda has assigned to me the task of finding out something about the status of the Muwafu tree.

The Buganda Kingdom has real interest in that Tree which was there when the first white men visited the Kabaka's palace at Banda, when they arrived at the court of Ssekabaka Muteesa I, in 1862.

I should be most grateful if you would kindly enlighten me as to the future of that Muwafu tree.

Yours truly,

**(E.K.K. Sempebwa)**

# OMUWAFU GW'E BANDA MU KYAMBOGO UNIVERSITY

**Bya Ernest K.K. Sempebwa**

Olusozi Banda luli ku Buvanjuba (East) bwa Mengo, olugendo lwa mayiro nga ttaano okuva ku Bulange y'Obwakabaka bwa Buganda.

Olusozi luno lwawulwamu ebitundu ebikulu bisatu: Ekyolubereberye, y'entikko yalwo okuli Olubiri lwa Ssaabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II. Wano wayitibwa Banda. Ekyokubiri, lwe lubuubuuto olwolekedde obukiika obwaddyo (South), okutuukira ddala ku luguudo olunene oluva e Kampala okulaga e Jinja. Wano wayitibwa Kyambogo University. Ekyokusatu kye kiri ku luuyi olw'Ebuvanjuba olwa University. Wano wayitibwa Nabisunsa Girls Senior Secondary School.

Omulangira Walugembe Mukaabya Muteesa bwe yamala okulya Obwakabaka mu 1852 yakuba ekibuga kye ku lusozi Nakatema. Yalinga mpisa ya Bakabaka ba Buganda okukyusakyusa ebibuga byabwe mu bbanga lyebaamalanga nga bafuzi. Kabaka Walugembe Mukaabya Muteesa I naye yatambuza ekibuga kye mu bifo nga bino: Nabbingo, Banda, Nakawa, Lubaga ne Kikandwa. Ekibuga kye ekyasembayo kyali Nabulagala/Kasubi, era bwe yakisa omukono mu 1884 eyo gye yagalamizibwa mu Nnyumba ye Enkulu Muzibwazaalampanga (Muzibu-azaala-mpanga).

Kabaka Muteesa I yali ali mu kibuga kye eky'e Banda, Abazungu Abangereza abaasookera ddala okutuuka mu Buganda eyo gyebamusanga mu mwaka 1862. Abangereza abo baali Speke ne Grant. Baafulumira Buddu, Kabaka Muteesa I n'abaaniriza mu Lubiri e Banda n'ekitiibwa kinene nnyo. Baamala mu Buganda emyezi ng'etaano ne baddayo ewaabwe.

Mu Lubiri lwa Kabaka Muteesa I olw'e Banda mwalimu Omuwafu omunene. Omuwafu ogwo ne kaakano gukyaliyo ku lusozi Banda. Mu kiseera kino guli mu kitundu ekya Kyambogo University, mu kimu ku byererezi byayo eby'omuddo omuyonjo ennyo, oluusi gwe tuyita ajiija. Ekyererezi, oba oluggya olw'ajiija, Omuwafu ogwo mwe guli, we wali ennyumba omusomerwa olulimi Olufalansa (French). Noolwekyo guliraanidde ddala ennyumba eyo. Era guli mu kifo kiyonjo nnyo. Muti munene nnyo era muwanvu ddala, gulina ekitiibwa kyagwo mu ngeri yaagwo.

Mu nnaku ezo waawulikikawo ebigambo ebyayogerwa ku Muwafu ogwo, nga bya mirundi ebiri: Aboogezi abamu baagamba nti Kabaka Muteesa I bwe yali ayaniriza Abazungu Abangereza abaasookera ddala okumukyalira mu Lubiri lwe e Banda, Speke ne Grant, nti yaabaniririza mu Muwafu ogwo. Aboogezi abaddirira nga bagamba nti Kyambogo University erina enteekateeka ey'okutemawo Omuwafu ogwo, nti ekyo kijja kwongera okulabisa obulungi ekyererezi oba oluggya lw'ajiija olwo kaakano mwe guli.

Oweekitiibwa Eng. J.B. Walusimbi, Omuwanika wa Buganda, yantuma ŋŋende neetegereze ebifa ku Muwafu ogwo n'ebyo ebigwogerwako, obanga bituufu oba si bituufu.

Nga nkomyawo obutume eri Oweekitiibwa, nzija kutandikira ku ebyo bye nafunako obukakafu n'obujulizi; ndyoke malirize n'ebyo bye nzija okwesigamya ku ndowooza yange.

Ekyolubereberye, nnina obukakafu nti Omuwafu gyeguli mu Kyambogo University, era gulabika bulungi. Nagukuba ebifaananyi okwongera okukakasa kye nalaba n'amaaso gange.

Ekyokubiri, nnina obujulizi obulaga nti omuti ogwo Kyambogo University egulinaako mbojjanyi n'akamu. Obujulizi obwo buli mu buwandiike obwampeebwa Omukulu wa University. Yabuwandiika mu Lungereza. Mu Luganda bugamba bwe nti:

> "Munnange E.K.K. Sempebwa.
>
> OMUWAFU OGULI MU KYEREREZI KYA KYAMBOGO UNIVERSITY
>
> "Nnyanukula ebbaluwa yo eya September 25, 2003 ng'efa ku nsonga eyo waggulu.
>
> Okusookera ddala ka nkwebaze olw'okusooka okutwebuuzaako ku lugambo oluli ku muti Omuwafu guno nti waliwo abatiisatiisa okuguggyawo.
>
> "Kituufu, Omuwafu guno guli ddala mu Kyambogo University. Era nga University eno ezze ekulira mu kibanja kyayo kyonna ng'etandika nga Government Teacher Training College (1954), n'edda mu National Teachers College, Kyambogo (NTCK - 1963) n'edda mu Institute of Teachers Education Kyambogo (ITEK - 1989); ate luno jjo lya balamu n'efulibwa Kyambogo University (KyU-2001). Ebbanga eryo lyonna nga tugenda tukula omuti Omuwafu ogwo guzze gulabirirwa, ndowooza lwa byafaayo byagwo.
>
> "NJAGALA NKUKAKASE NTI NZE NGA BWE MMANYI, TEWANNABAAWO BUKIIKO (OBUTONGOLE OBA OBUTALI BUTONGOLE) OBW'ABADDUKANYA UNIVERSITY ENO, WADDE OBW'OLUKIIKO LWA UNIVERSITY OLUFUZI, OBWALI BUTEESEZZA KU KUGGYAWO OMUWAFU OGWO OGW'EBYAFAAYO. GUNO GWE MULUNDI OGUSOOKEDDE DDALA FFE ABADDUKANYA UNIVERSITY ENO OKUKIWULIRAKO.

"Nsaana nnyongere okukumanyisa nti Kyambogo University teyatandikirwa ku bbanga jereere, naye yatandikirwa ku matendekero abiri ag'ebyafaayo. Ge gano: Kampala Technical School (1926) ne Government Teacher Training College (1948). Nolwekyo tulina ebyafaayo bye tussaamu ekitiibwa, n'Omuwafu ogwo mweguli mu byafaayo ebyo. Oboolyawo oyinza okwagala okumanyako nti ITEK bwe yali ejaguza ku Jubiri yaayo okuweza emyaka 50, mu mwaka 1998, n'Omuwafu ogwo gwalimu mu mwoleso ogw'ekijaguzo ekyo.

"Nnina obwesige nti nga Kyambogo University bw'eneegenda yeeyongera mu kukulaakulana, bwe bityo n'ebintu eby'ebyafaayo bwe bijja okugenda nga bikuumibwa.

"Munno,

Prof. A.J. Lutalo-Bosa
VICE CHANCELLOR"

Ebigambo ebirala bye nawulira ebikwata ku Muwafu ogwo, naye nga bya lugambo lugambo, era bye sirinaako bukakafu, bye bino: Bagamba nti Abangereza, Speke ne Grant, bwe baatuuka mu Lubiri lwa Muteesa I e Banda, Ssaabasajja yabaaniririza mu Muwafu ogwo ogwali mu Lubiri lwe, era obwedda gwe tuzze tusomako mu bigambo bino bye mpandiise. Sibikkiriza.

Endowooza yange eri bw'eti: Mu biseera bya Kabaka Dawudi Chwa II, Ssaabasajja yayanirizanga abagenyi be mu luggya lwa Twekobe Enkadde oba mu lwa Twekobe Empya, n'abagabula ebyokulya n'ebyokunywa, nga ku lunaku olw'Amazaalibwa ge. Mu luggya baazimbangawo ebidaala ebirungi, ebisereke obulungi ennyo n'essubi. Munda nga Bamulwanyammuli basiiramu bulungi n'emmuli empawule ezisibiddwa obulungi n'ebinsambwe. Embaga y'Amazaalibwa ga Kabaka bwe yaggwanga, nga n'okugabula kuwedde, nga n'abagenyi bagenze, olwo ng'enkeera ebidaala ebyo bimenyebwawo.

Ku mulembe gwa Kabaka Muteesa II, Ssaabasajja naye yagabuliranga abagenyi be abangi ennyo mu luggya lwa Twekobe Empya mu biseera ebyasooka, oluvannyuma nga "Park" y'omu Lubiri ewedde, Ssaabasajja abagenyi be yabaaniririzanga omwo era mwe yabagabuliranga, ku mikolo nga gino: Amazaalibwa ga Ssaabasajja, bwe yabanga akyazizza abagenyi ab'ekitiibwa nga H.H. the Aga Khan ne lwe yakyaza the Emperor of Ethiopia, H.M. Haille Silas n'abalala.

Abagenyi bwe babanga abatono nga Ssaabasajja abalabira mu Twekobe mu kimu ku bisenge bye yalabikirangamu.

Sikkiriza nti kituufu okugamba nti Abangereza ababereberye mu kujja mu Buganda, Speke ne Grant, Kabaka Muteesa I yabaaniriza mu Muwafu ogwo oguli mu Kyambogo University; newakubadde nga we baatuukira gwali mu Lubiri lw'e Banda munda.

Ekikkirizika kye kino nti Speke ne Grant bwe baali baakatuuka, baawummuzibwako mu Muwafu ogwo nga bwe balinda okwanjulwa eri Omutanda. Era olwamala okwanjulwa, nga Kabaka amaze okubeetegekera obulungi ku Lukiiko lwe olwaliko Abakungu be n'ebivuga n'abamu ku Bakyala, mu nnyumba mwe yalabiranga abagenyi, ne baleetebwa eri Ssaabasajja Kabaka Muteesa I n'abalamusa.

Ekikakasa ebyo kye kino: Speke ne Grant bwe baava mu Buganda bannyonnyola omukubi w'ebifaananyi eby'engalo, ng'akubisa kalaamu, ebyo byonna bye baalaba ku Lukiiko lwa Kabaka Muteesa I e Banda. Era omukubi w'ebifaananyi n'akuba ekifaananyi ky'Olukiiko olwo olwali e Banda nga bwe lwali lutegekeddwa. Ekifaananyi ekyo nkitunze ku bigambo bino bye mpandiise.

Nsaana okunnyonnyola nti Abakubi b'ebifaananyi eby'ekalaamu n'engalo, babeera bakugu nnyo. Singa olaba omubbi ng'atwala ebintu byo, n'omwetegereza amaaso ge nga bwe yakula, n'obitottolera omukubi w'ebifaananyi, omukugu oyo asobola okukuba enfaanana y'omubbi oyo nga bw'agitegezebbwa, ekifaananyi ky'akubye ne kirangibwa ku TV ne mu mawulire, omubbi oyo abantu bwe bamulaba ne bamukwata n'atwalibwa ku Police n'avunaanibwa.

Noolwekyo ekifaananyi omukugu kye yakuba eky'Olukiiko lwa Kabaka Muteesa I ng'ayaniriza Abangereza Speke ne Grant, nkikkiriza nti kituufu. Kabaka Muteesa I Abazungu abo Abangereza teyabaaniriza mu Muwafu, wabula yabaaniriza mu nju.

Naye Omuwafu ogwo gusigala nga gwa byafaayo, kubanga gusussa emyaka 140 nga guli awo e Banda, kaakano awali Kyambogo University.

ERNEST K.K. SEMPEBWA
Bulange, Mengo
October 2003

cc Prof A.J. Lutalo-Bosa



Speke and Grant meet Mutesa, 1862